# Okwenywereeza ku Bukakamu


## Okuwangula amalala

## Essomo #6

**Paul J. Bucknell**

Obukakamu kirubirirwa kya Mulokole naye tuteekwa okuwangula amalala nga tetunatuuka yo. Aja kwetaaga (A) okutegeera omutima gwe ogw'amalala era mu ngeri yemu okukakana (B) ekizibu kye eky'amalala.

## A) Okutegeera amalala gafe




**Ky'atandikira mu lusuku** (Ezekyeri 28:12-17)

- Amalala ganoonya okutwaala emitima gyaffe n'okutuzikiriza.
  " Katonda awakanya ab'amalala, naye awa ekisa abakakamu" (Yakobo 4:6).

**Amalala mukusifu**

- Amalala gakola emirimu gyaago egisinga emabega w'ebirabika.
  (laba Eky'okukola #1-2)

**Okutegeera Amalala** (Ebikolwa by'abatume 12:21-23)

- Amalala gasonga enwe.
- Amalala makalabakalaba.
- Amalala bugyemu.
- Amalala bulogo.

## Okwetwalira wa gulu n'amalala (Abagalatiya 6:3-4)




Endowooza ey'okwetwalira wa gulu egenda bubi ku nsonga biri.

(1) Okwerowoozako wabweru w'okwenyigiramu kwa Katonda mu bulamu bwa bwe.
(2) Abantu ababulijo batwalibwa okwerowoozako nga bali wagulu nyo.

## Endaba eyenkanankana ey'obulamu (Ebikolwaby'abatume 20:24)

- Katonda yatuyita era yatuwa ebirabo.
- Obuvunanyizibwa bwafe (Abefeso 2:10, Tito 2:14)
- Atuzaamu amaanyi okutwaala mu maaso omulimu gwe.
- Wa Katonda ekitibwa (Zabbuli 96:3).

## Obugumu obutali mu kifo kyaabwo


- ♦ Okukunukiriza Ebisinga Ebimala – omugaso gw'obulamu (ekipima)
- ♦ Ensisinkana embi biri
- ♦ Amalala ganyonyodwa

Omuntu ow'amalala takiriiza nti Katonda amaanyi ekisingiridde era ekimusingira kwe okwesigama ku kusala kwe omusango n'obugaga bwe ebivaamu amalala.

## Obuzibu Bw'Amalala (2 Eby'omumirembe 32:24-26)

1) Omutima gwa Kezekiya gwayimusibwa (2 Eby'omumirembe 32:24-25).
2) Kezekiya yakakanya amalala ge ( 2 Eby'omumirembe 32:26).

## Amadaala g'Amalala




Amalala gagya mu madaala agenjawulo. Amadaala ana ag'amalala ge gasengekedwa wansi.

1) Obutayagala kuva mu malala- Kerode ( Ebikolwabyabatume 12:21-23).
2) Okuyagala okuva mu malala oluvanyuma lw'okusalirwa omusango- Kezekiya ( 2 Eby'omumirembe 32:24-26)
3) Okwagala okuva mu malala n'okusalirwa omusange ekitini oba watali musango ( Yakobo 4:9)
4) Mu bwegendereeza yawula ebikemo ebyo ebikuletera amalala obikyuusemu obukakamu ( 1 Petero 3:8)

## B) Okujawo Amalala gaffe

### 1) Okwenenya

Baako wotandikira ku lugendo lwaffe okuva mu kuba ow'amalala okutuuka mu kuba omukakaamu.

- ♦ Okwatula obutafaayo bwaffe (Abalumi 11:36).
- ♦ Enger y'okukwatamu amalala mu kusaba

### 2) Okutegeera obunafu (Abefeso 5:9)

- ♦ Tegeera nti kino ky'ekitundu kyange ekinafu mu bulamu.
- ♦ Beera akebera ebiseera byo ebiyise nga bw'osobola.
- ♦ Ekibuuzo- " Okakasa? Sisobola kuzuula n'ekimu."



♦ **Amadaala agenjawulo ag'amalala: Kabaka Saulo**

♦ Okuziba amaaso eri amalala n'okuwalirizibwa obuwanguzi bwe (1 Samwiri 15:13).

♦ Okwegaana okusinga n'okugasisinkana kulambulukufu ( 1 Samwiri 15:20-21)


♦ Yazibula amaaso ge eri obunafu bwe ( 1 Samwiri 15: 24)

♦ Ekisembaayo nga alabikanga avudde mu malala ge ( 1 Samwiri 15:30)

**3) Okulangirira Amazima**

Amazima goleka obulimba obwatulimba. Weyambise amazima okwoleka obulimba amalala gaffe kwe gazimbiddwa.

- ♦ Nyonyola amazima
- ♦ Ebika by'amazima




### ♦ Enono enkulu ez'amazima ezirwanyisa amalala agava mu bugaga n'ebifo

♦ Enono: Okwagala okufuna obugaga (obungi) kigobererwa ebikemo (1 Timoseewo 6:9)

**Okumalirira:** Sija kugezaako kufuna bugaga.

♦ **Enono:** Okutunulira obuwangaazi bwange obukugire (Yakobo 1:10). (era ne Zabbuli 49:103, 16)

**Okumalirira:** Nja kusanyukira mu buwangaazi bwange obukugire nsobole okubeera naye emirembe gyonna.

♦ **Enono:** Jukira ensibuko y'obugaga n'ebifo biva eri Katonda. ( 1 Eby'omumirembe 29:12; 1 Timoseewo 6:17)

**Okumalirira:** Bulijo nja kwebazaanga Katonda olwekyo kyampadde era njogerenga okwagala kwange gyali akitwale bwaba nga bwasiima.



### ♦ Enjogera ez'amazima ezigenderera abo abalina obugaga n'ebifo

Amalala gagamba, "Kirina okusinga okuba nabo bonna!"

**Amazima:** Okuyitibwa okwenjawulo n'ekifo olwa Katonda olw'ekigendererwa eky'enjawulo.

**Amazima:** Nsiima bazadde bange era sija kuba atebaaza.

**Amazima:** Katonda yampa obugaga bwange okutukiriza ekigendererwa kye eri obulamu bwange.

**Amazima:** Ndiwa embalirira olw'ekyo kye naweebwa era nteekwa okukyeyambisa n'obwegendereeza.

### ♦ Enono ez'Amazima amakulu nga zangaanga amalala ag'omwoyo

* **Enono:** Okwegendereza engeri gyentambula (Abefeso 5:15)

* **Okumalirira:** Bulijo nja kunonyanga obuyambi bwa Katonda olw'omulabe.

***Enono:** Okusaba obutagwa mu kukumebwa (Matayo 6:13)

* **Okumalirira:** Buli lunaku nja kunonyanga obuyambi bwa Katonda okukumibwa okuva eri omulabe.

* **Enono:** Okukigenderera okwagala n'okugondera Mukama (Yoswa 23: 11)

* **Okumalirira:** Okuyayana kwange okumusanyusa kuteekwa kufuuka ekirubirirwa kyange mu bulamu.

♦ **Enjogera ez'Amazima ezirwanagana n'amalala ag'Omwoyo**

Amalala gagamba, "Nze nsinga okuba ow'Omwoyo wano. Abalala bateekwa okunegomba."

**Amazima:** Ndi munzikiza mu mwoyo era omufu (Abefeso 2:1) olwo okukula mu mwoyo kuva gyali.

**Amazima:** Nalokolebwa lwa kisa kyoka mu Kristo n'olwekyo Mukama yekka yafuna ekitibwa (Abefeso 2:8).

**Amazima:** Omulimu gwange kuzimba balala mu kwagala so si kusalira balala musango ( 1 Yokana 4:7; Yakobo 4:11).


### 4) Okuwambatira Amazima

Tekimala okumanya amazima, tuteekwa okuteeka mu meeme zaffe bingi okuyita mu kusaba okw'emirundi ebiri: okwatuula n'okukakasibwa.

♦ **Okusaba okw'Okwatuula**

Okwatuula kutukuuma okuva mu maanyi g'omubi era ne kutusozesa okuba n'okusa ekimu ne Katonda.

♦ **Okusaba okw'Okukakasibwa**




* Okwatuula kutandika n'okwogera amazima agakwaata ku meema zaffe.
* Okukakasibwa kweyongerayo n'okwogera amazima ku mbeera zaffe.
* Omutendera gw'okukyuuka
* Okuva mu Baibuli (<u>Abefeso 4:22-32</u>)
* Eky'okulabirako #1 Wanyisa amalala olw'ekifo olw'okwagala okusanyusa Mukama era oweeyo
* Eky'okulabirako #2 Wanyisa amalala mu butukirivu bwange n'obukakamu n'obugonvu.

♦ **Ekirubirirwa kyaffe: Yambala Obukakamu**

- ♦ Ekirubirirwa eky'obukakamu
- ♦ Edaala 2 ne lyo 3
- ♦ Omutawaana gwa Dawudi ( 1 Samwiri 18: 6-8).

## Obukakamu bufanana butya?

* **Obukakamu** kwe kukiriiza okwo okusirifu okw'ekifo kyaffe kye tuwaayo mu bulamu ne bwekiba nga kikyuuka okuda mu kintu wansi okusinga ekyo kyetwali nakyo ( Eky'okulabirako <u>Omulimu</u> oba okuyita mu kuyiganyizibwa)


* Obukakamu butusobozesa okusabira n'okukuza abo abatwetolode okubeera ab'amaanyi okutusinga.
* **Obukakamu** butuyamba Okukwaata obulungi okukuzibwa, obugaga, obuyinza n'etutumu mu kugulumiza Katonda olw'emikisa nga egyo, ebifo n'obukugu ( nga Danyeri ) nga twebaaza abalala abagaseko ku kuyitamu kwaffe.
* **Obukakamu** butuyamba okujukira omugaso gw'ebifo byaffe neeyo gyetubeera mu bulamu.
    * Bwetulabika nga abayiseemu kiba bwekityo tube n'amaanyi mangi, okuyamba abalala n'okubawereza abali mu buzibu bw'obulamu.

- Bwetulabika nga abali wansi, kiri bwekityo tusobole okuyiga amassomo n'okufaayo eri abalala be tusaaga mu mbeera ze ziimu.

## Ebikozesebwa Okuyamba omutendera guno

Okwegezaamu kuno kutuyamba okuzuula amalala mu bulamu bwaffe, okukebera ekyo kyegatukola, engeri gye gakola mu, era ne kutuwa ekubo okuwangula amalala gaffe.

**(1) Okutegeera amalala gaffe**
**(2) Okutunulira ebiva mu malala**
**(3) Okuziyiza amalala**
**(4) Okulwanyisa amalala**



# Okutegeera amalala gaffe

Paul J. Bucknell

Ekigendererwa: Tegeera bulungi engeri amalala gye gakukosaamu.

**Omulimu ku Malala #1**

**Okuyayana okusibwaamu ekitibwa n'okwegombebwa.**

**Genderera amalala mu bulamu bwo. Okusoma Enkwatagana Edaala Ekifo Amaanyi Obutegeevu Obugaga Obulungi Etutumu**

| | |
|---|---|
| **1.** Otabulwa omuntu bw'atasaamu kitiibwa oba okwegomba ekyo ky'oli oba ekyo ky'okoze? | Tekibangawo ... Bulijo<br>1 3 5 7 |
| **2.** Wandiika ebitundu bibiri oba bisatu byewandiyagadde abantu okusaamu ekitibwa, by'olina, oba engeri gye wabifunamu? | **1)**<br>**2)**<br>**3)** |
| **3.** Okweeka obunafu bwo oba okulemererwa kwo abantu? | Sikikolangako ... Bulijo nkikola<br>1 3 5 7 |
| **4.** Ofaayo ku ngeri abantu abalala gye bakulowoozako? | Tekibangawo ... Nkifaako nyo<br>1 3 5 7 |
| **5.** Osobola okulimba omuntu abantu abalala basobole okukulowoozako obulungi? | Tekibangawo ... Nkikola nyo<br>1 3 5 7 |

**Wansi wano fuunzafunza oba nga oli muntu wa malala. Nyonyola lwaki era lwaki need.**

## Okugenderera Okudamu n'amalala

Paul J. Bucknell

Ekigendererwa: Tegeera bulungi engeri gy'odamu nga ki kwatagana n'amalala.

### Eky'okukola ku kutegeera amalala #2

Lowooza ku mulundi ogwakasembaayo amalala go gyegakoma ku bulamu bwo. Jukira ekyo ekyabaawo era oyite mu bibuuzo ebidako.

1) Kiki ekya kufuula ow'malala mu mbeera eyo?

2) Buki obwali obubonero n'ebyavaamu mu kuba ow'amalala?

    a) Ebikwatikako
    b) Ebiwulirwa
    c) Obulamu obw'ebirowoozo
    d) Eby'Omwoyo

3) Waliwo enkolagana yonna eyakosebwa okuva mu malala go? Bwekiba bw'ekityo, wawona? Wawona otay?

4) Ngeri ki gy'oyagalamu bakufeeko era bakwegombe?

5) Lwaki Katonda amalala agayisa bubi?

6) Wegomba? Kiki ekiyinza okukifuula ekikalubo okwegomba?

7) Wandiika wansi enyiriri biri eza Baibuli ezikujukiza engeri obukakamu gye businga amalala.

8) Oyiga ki ku malala n'obukakamu osobole okwagaanga ekikemo ku malala omulundi ogudako nga okisisinkanye?

# Okuziyiza Amalala

Paul J. Bucknell

Ekigendererwa: Tegeera bulungi engeri amalala gye gakuyingirira ne gakoma ku bulamu bwo.


## Eky'okukola ku Malala #3

Ekirubirirwa kyaffe ekyanamadala kwe kufuna okuziyiza okugwa mu malala. Nga ogyeko okusaba, waliwo ebintu byetuyinza okukola. Amalala tegasaamu Katonda kitibwa tegayamba ffe oba abalala. Amalala gazimba emiziziko n'emikwano egy'okungulu. Abantu ab'amalala bulijo tebalaba nga bo ab'amalala ob anti waliwo ekikyamu enyo n'amalala gabwe.

Omuntu bweyewaayo eri amalala, omuntu atandika okulimba, n'okubuzabuuza, n'okweraba nga ekyo ky'okoze kisuuse. Omuntu ow'amalala mu kunyonyola be bantu abatunulira abalala nga begeza nabo.

**Ekizibu**

| **Wandiika okulwanagana n'amalala okwakabaawo okw'emirundi ebiri oba esatu** | | |
|---|---|---|
| | | |



# Okulwanagana n'Amalala

Paul J. Bucknell

Ekigendererwa: Okubangulwa mu ngeri y'okuzuula n'okumalawo amalala go.

## Eky'okukola ku malala #4

Amalala nga ebibi ebirala gatandikira kuyita mu kukemebwa. Wandiika wansi ebirowoozo eby'amalala ebiyita mu birowoozo byo w'oberera ow'amalala. Kino kiteeke mu lukoloboze 1. olwo olowooze ku kitebaganye mu lukoloboze #1 okiteeke mu lukoloboze 2. Ekitebaganye ga mazima agetaaga okutunulirwa. Teeka mu bwongo enyiriri ezikakasa amazima ago mu lukoloboze 3. Lowooza ku lunyiriri lumu oba biri ezinyweeza amazima ago. Ekigamba kya Katonda, amazima, okwewaayo kwo okuzimba mangu okwawula okukuuma okuva mu kwewayo eri amalala go, oba bwoba wewaddeyo, okukirwanyisa mu bwangu n'amaanyi g'amazima ag'ekigambo kya Katonda.

| **Endoboozi ly'Amalala** | **Amazima** | **Ekyawandikibwa** |
|---|---|---|
| 1) " Wakikola bulungi!" (Ekiku Om Kema okwerowoozako weka). mwe Aligutukiriiza"(Abafi 1: | 1) " Katonda anyambye Nyo mu kitundu kino. Era Nga ogyeko ekyo nalina Obuyambi bungi." | 1) "Oyo eyatandika ulimu omulungi mu 19) |
| 2) | 2) | 2) |
| 3) | 3) | 3) |
| 4) | 4) | 4) |
| 5) | 5) | 5) |
| Kyabusiru | Amazima | Kigambo kya Katonda |